kitalo!!! Okuzaalibwa kwa ngeri nnya; Okuba omwana omukuzire, omwana owaddala (bwoya) omujjanannyina oba omwana ow'omwoyo. Yesu tayinza kuba mwana mujjanannyina,oba omwana omukuzire, kubanga Katonda talina mukyala era tagenda kusikirwa muntu yenna. Ate era Yesu tayinza kuba mwaana bwoya kubanga tavanga mu ntubwe za Katonda na mukyala we.

Bwekiba nti yesu atwalibwa nga mwana wa Katonda bwoya olw'okuba yazaalibwa nga nnyina talabye musajja, kino nakyo kiwakanyizibwa ebiri mu *beebulaniya 7:1-3*.
Wano kigambibwa nti: *"kubanga merukizeeddeki oyo, kabaka w'e Saalemi, kabona wa Katonda ali waggulu ennyo, eyasisinkanna Ibulaimu ng'akomawo ng'ava okutta bakabaka namusabira omukisa, era Ibulayimu gwe yagabira ekitundu eky'ekkumi ekya byonna; eky'olubereberye mukutegezebwa, kabaka ow'emirembe, atalina kitawe, atalina nnyina, atalina bajjajjaabe, atalina lunaku lwe yasookerako wadde enkomerero y'obulamu, naye eyafaanannyizibwa omwana wa Katonda, abeera kabona owolubeera ennaku zonna".*

Abaffe tekyewuunnyisa okuba nti oyo atalina ntandikwa ajjibwa mubasatu naye ate oli alina nnyina owoku nsi nayingizibwaamu?
Ebiseera ebimu kisuubirwa nti Yesu ye w'okubiri mu bwa Katonda obw'emirundi esatu.

Ye Rev. J.R. Dummelow annyonnyola Baibuli mu kitabo kye ku muko 1057 bwati; ku nsonga y'okubatiza mu ba katonda abasatu, kirabikira ddala nti ebigambo bino tebisangibwa mu biwandiiko ebyasooka. Bisangibwa mu biwandiiko eby'omu Lugiriki mu kyasa nga kyakuna awo era nebijulizibwa ba faaza aboomumakkati g'ekyasa kyokutaano. Ba faaza bano baatwaala ebiwandiiko bino mu mbeera yaabyo yennyini okuba nti byali biteegeza busatu. Kyandiba nti okusooka kwali kunnyonyola kwa muntu kweyali awandiise ku mabbali kyokka oluvannyuma nebiyingizibwa mu biwandiiko biri byennyini.

Ate *peak's commentary* ku muko *920* wagamba nti: Ennyiriri zigamba nti: *"Ebigambo mu ggulu.....mu nsi"*, ebisangibwa mu Authorised version tebiri mu biwandiiko ebyasooka wabula byayongerwamu bwongerwa.

Okunnyonnyola okusingawo tuukirira:

AHMADIYYA MUSLIM ASSOCIATION - UGANDA
(Ekitebe)
P.O BOX 98, Tel: 041-530802, 0712237007,0782334944
fax: 041-530403 Kampala
Website: www.alislam.org , email:
mkauganda@gmail.com

27 GOKHLE ROAD EAST, JINJA
KUMI ROAD, MBALE
30 HILL ROAD (BWALA), MASAKA
KAKOBA TRADING CENTRE, MBARARA
AHMADIYYA MUSLIM ASSOCIATION, IGANGA

Yesu yali Katonda oba mwana wa Katonda ?

Mazima bamaze okuba abatakkiriza abo abagamba nti ddala Masihi mutabani wa maliyamu ye Katonda, so nga Masihi yagamba nti: " Abange mwe abaana ba Israeli musinze Katonda Mukama wange era Mukama wammwe " (Ku'ran Entukuvu 5:73).

Ninnya mu ggulu eri Kitange era Kitamwe. Eri Katonda wange era Katonda wammwe (Yokana 20:17).

Mikwano gyaffe Abakulistaayo batwala Yesu (emirembe gibere ku ye) okuba Katonda, era ow'okubiri mu bwa Katonda. Naye ekibuzo kiri nti abaffe Yesu ye yennyini yeeyita katonda? Okwekenneenya Baibuli kulaga nti ekyo teyakikola. Kigambibwa nti Lumu yagamba nti: Ompitiraki omulungi? *Tewali mulungi wabula omu, ye Katonda [Makko.10:18]*.
Mu bigambo bino, Yesu yeegaana obwa Katonda *(Matayo 19:16-17, Lukka 18.19)*. Wano tulabawo obukakafu obwolwaatu obulaga nti Yesu teyali kirala wabula omuntu atasobola kutuuka ku ddala lya bulungi na butukilivu nga Katonda. Bweya komerelwa kumusalaba yakaaba .....*Katonda wange, Katonda wange kiki ekikundesezza? (Makko 15.34)*. Singa Yesu yali Katonda ate olwo yali akaabira ani nti Katonda wange, Katonda wange .....? Katonda okuba ne Katonda we kyewunnyisa!
Ng'ayogera eri abayigirizwa yagamba nti: *"Akkiriza nze, takkiririza mu nze wabula oyo eyantuma" (Yokana 12.44)*. Olwo ani yatuma Yesu bwaba nga ye yennyini yali Katonda? Ku nsonga y'emu tusoma

na bino: *"Okuyigiza kwange si kwange, naye kw'oli eyantuma" (Yokana 7.16)*, na bino: *Buno bwe bulamu obutagwawo, okutegera gwe Katonda omu ow'amazima n'oyo gwe watuma, Yesu. kulisto (Yokana 17:3)*, na bino: *"bonna basobole okubeerenga obumu nga gwe Kitange bw'oli munze, nange mugwe, era nabo babeere mu ffe ensi eryoke ekkirize nti gwe wantuma (Yokana 17:21).*

Ate era yagamba: *Nze siyinza kukola kintu ku bwange; nga bwe mpulira, bwe nsala, n'ensala yange nongoofu; kubanga sinoonya kusiima kwange, wabula okusiima kwa Kitange eyantuma. Bwenneewaako obujulizi,obujulizi bwange si bwamazima (Yokana 5:30-31).*

Ebyogeddwa bino byonna biraga nti Yesu yetwala nga Omubaka eyatumwa Katonda eri abo abaamuwakannya era nga sibeetegefu kumukkiriza, yagamba bwaati: *Nabbi tabula kitiibwa wabula mu nsi yabwobwe, mu kikaakye ne mu nnyumba ye (Makko 6:4)*. Okusinziira ku Yesu Katonda yemumanyi wabuli kimu,era nga ye Yesu okumanya kwe akitwala nti kuliko ekkomo. Agamba: *"Naye eby'olunaku olwo oba ekiseera ekyo tewali amanyi, wadde ba Malayika abali mu ggulu oba omwana okujjako Kitange"* (*Makko 13.32)*. Ate era omu ku bawandiisi bweyamubuuza tteeka ki eryali ery'olubereberye Yesu yamudamu nti: *"Wulira Isreali Mukama katonda waffe, Mukama ali omu" (Makko 12:28.30)*. Kino kikakasiza ddala okukuutira kw'etteeka lino eri abaana ba Isreali okuva ku Musa, era kiraga nti okwagala kw'omwoyo gw'omuntu gwonna, emmeeme ye n'amaanyi ge byonna bidda eri Katonda omutonzi wa kintu *(Mateeka 6:4-9)*. Eky'okuba nti Yesu yetwala okuba omwana wa Katonda, tekiraga bwa Katonda bwe. Abantu bonna ye yabatwalanga ng'abaana ba Katonda. Agamba: *"Era temuyitanga muntu ku nsi kitammwe, kubanga kitammwe ali omu ali mu ggulu" (Matayo 23.9)*. Abamu kubannyonnyozi bagamba nti olw'okubanga ekigambo "Katonda" kyakozesebwako ku Yesu, n'olwekyo ye wanjawulo era alimu obwa Katonda. Naye kino tekiyamba naakamu kubanga ne mu *kuva 7:1* Musa yayitibwa Katonda eri Falawo era nga muganda we Aloni ye Nabbi we nga Katonda ye yennyinyi y'eyabyoogera. Abayudaaya bwe bataamutegeera ku nsong'eno ne baagala okumukuba amayinja, yabannyonnyola nti okweyita kwange omwana wa Katonda lugero so si bya ddaala. "Abayudaaya nebaddira nate amayinja okumukuba. Yesu n'abaddamu nti emirimu emingi emirungi egyava eri kitange gyembalaze, mulimu guliwa mwegyo ogunkubya amayinja? Abayudaaya nebamuddamu nti olw'omulimu omulungi tetukuba mayinja, naye olw'okuvvoola, era kubanga gwe oli muntu neweefuula Katonda. Yesu n'addamu *(ng'ajuliza zabbuli 83:6)* nti: *"Tekyawandiikibwa mu mateeka gammwe nti muli bakatonda? Obanga yabayita bakatonda abo abajjirwa ekigambo kya Katonda, so n'ebyawandiikibwa tebiyinza kudiba, mwe mumugambiraki ye kitange gwe yatukuza, n'amutuma munsi nti avvodde, kubanga ng'ambye nti ndi mwana wa Katonda? (Yokana 10:30-36).*

Ekigambo *'mwaana wa Katonda'* kyali kikozesebwa mu Bayudaaya nga ne Yesu tannabaawo. Mu butuufu enjogera eno yali nkadde yadda. Mu *lubereberye 6:2* abaana ba Katonda boogerwako ng'abaatwalanga abaana b'abantu nga bakyala baabwe. Ku Israeli amannyidwa nga Yakobo kyawandiikibwa nti: *"Israeli ye mwaana wange, ye mubereberye wange* **(***Kuva 4:22).*

Ate ye Sulaimani eyazimba yekaalu ya Mukama tumusomako bino: *Nze ndiba kitaawe naye aliba mwaana wange (11 samuiri 7:14).*

Okwetegereza Endagano enkadde okulungi kulaga nti enjogera *omwana wa Katonda* yali tekozesebwa ku Katonda oba okulaga obumu ne Katonda, oba nti okuva mu lulyo lwa katonda olwo musaayi. Yali ekozesebwa ku bantu abatuukirivu, ba Nnabi ne ba kabaka okugeza Katonda yagamba Daudi mu *Zabbuli 2:7* nti: *Ggwe oli mwana wange nkuzadde olwa leero.*

Ekibuuzo kiri nti: Abaffe Yesu alina kyeyakyuusaamu ku makulu agaali mu njogera eyo? Okutunulako obutunuzi akatono mu Baibuli kulaga nti talina kye yakyuusaamu. Abatabaganya abayita 'abaana ba Katonda' *(Matayo 5:9),* era tusoma mu *(Matayo 5:48)* nti: *"kale mujja kubeeranga batuukirivu nga Kitammwe ali mu ggulu bwali omutuukirivu".*

N'olwekyo kyeraga nti Yesu takyuusangako mu njogera y'Abayudaaya eyo era y'Endaagano Enkadde.

Buli lweyakozesanga enjogera *omwana wa Katonda* yali ategeza omuntu omulungi era omutuukirivu, mu butuufu Yesu yali *mwana wa Katonda.* Mu makulu ago yali muntu mutuukirivu era omubaka wa Katonda omutuufu.

Kyennyamiza okulaba nti amakulu amapya gayiingizibbwa mu njogera ey'edda eno "mwaana wa Katonda" eyakozesebwanga Yesu mu makulu g'olugero nga ba Nnabi ba Israeli ab'edda.

Kaakati enjogera eno etegeeza Katonda oba omuntu w'okubili mu bwakatonda.